## <u>2 ABASESSALONIIKA 1:1-12 - KITUUFU YESU AJJA KUDDA</u>

***Mu kitundu kino tugenda kulaba bwe kitugwanira okujjukiranga bulijjo nti Yesu Kristo ajja kudda okutwala abatukuvu be era nga kitwagwanira okubeera abeetegefu.***

Ebbaluwa enno mu nnyanjula y'ayo nga bwegwali mu Bbaluwa eyasooka etulaga nti yawandiikibwa Pawulo, Timoseewo, ne Sirwano (Siira) era nga yawandiikirwa abakkiriza mu Sessaloniika.

Kiteeberezebwa nti ebbaluwa eno yawandiikibwa wakati wa **A.D. 52-53** era ng'omulamwa omukulu mu bbaluwa eno okwefaanaanyirizaako n'eyasooka gulimu ebitundu bibiri: ***Okuyigganyizibwa Okunene (****Great Tribulation****) n'Amadda Ga Mukama Waffe Yesu Kristo.***

Ebbaluwa eno yali eddamu ebimu ku bibuuzo abbakiriza b'Esessaloniika bye baali balina ng'emu ku bikulu mu byo kwe kwali okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo nga bangi baali basomesa nti olunaku lw'okusalirako omusango lwali lutuuse era nga y'ensonga lwaki bangi ku bo baali bayita mu kuyigganyizibwa n'okubonaabona.

Pawulo kye yava abawandiikira okubatangaaza ku bulimba obwo era ng'abategeeza nti kituufu Kristo aganeda kudda era wa kuwa ekiwummulo eri abo abakkiriza olwo ate ababayigganya balyoke babonerezebwe.

Olu1-2 Abawandiisi baagaliza abaafuna ebbaluwa eno ekisa n'emirembe nga bwe guli mu bbaluwa eziwerako okusingiraddala ezo ezaawandiikibwa Omutume Pawulo.

Ekisa nga bwe tuzze tulaba nti kwe kuganja okw'obuwa (okutakolereddwa) era nga kuno kwe kuwanirira buli akkiriza Yesu okusigala nga anywedde mu lugendo lw'obulokozi era n'okukola buli mulimo ogubaweebwa Katonda mu bwakabaka bwe.

**<u>Abaefeso 2:4-8</u>** ***"Kyokka olw'okwagala kwe okungi, n'ekisa kye ekingi, ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa. Katonda yatuzuukiriza wamu ne Kristo okuva mu kufa ne tufuna obulamu, era atutuuzizza mu bifo eby'omu ggulu, okumpi ne Kristo Yesu. Ekyo Katonda yakikola alyoke alage, mu mirembe egigenda okujja, ekisa kye ekingi kye yatukwatirwa mu Kristo Yesu. Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda***."

Olwo bwe tumala okufuna ekisa ekyo ne tulyoka tufuna emiirembe egiva eri Katonda kubanga mu kutabagana ne Katonda awatali kiziyiza mwe tuweebwa emirembe

egisinga gyonna egiva mu kumanya nti sirina musango mu maaso ga Katonda wabula olwa Yesu Kristo gwe nnasembeza nnina entabagana ne Katonda.

Abawandiisi beebaza Katonda ku lw'abakkiriza bano olw'ebintu bino wammanga ebyalaga okukula kwabwe mu mwoyo.

- Okukkiriza kwabwe okweyongera ennyo okukula
- Okwagalana kwabwe bokka na bokka

Olw'ebyo waggulu abawereza abaawandiika ebbaluwa eno kyebaava bafuna okwenyumiriza mu makanisa amalala ku lw'abakkiriza bano nga bamaze okuwulira engeri gye bakkirizaamu wakati mu kuyigganyizibwa kwabwe kwonna era n'okugumiikiriza okungi kwe baalina mu kubonaabona.

Okuyigganyizibwa n'okubonaabona abakkiriza kwe baayitamu byaliwo lwakuba nti bakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo era nga kino kyabasaanyiza okuyingira obwakabaka bwa Katonda obwali bubayigganyisa n'okubareetera okubonaabona.

Omuwendo gw'okubeera omukkiriza ssi mutono era nga buli atayagala ku gusasula kizibu ye okusigala ng'akkiriza kubanga aba tasobola kumalirira mu mbeera enzibu.

Okukkiriza kugesebwa buli lunaku era nga keekamu ku bubonero obukozesebwa okulaga okukula kwaffe mu Mukama waffe Yesu. Buli mulembe guba n'ebisoomooza bya gwo naye eky'okuddamu kikyali kye kimu nga kwe kukkiriza okutuweebwa Mukama waffe Kristo.

**Abaggalatiya 5:22-23** ***"Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya."***

Ekirala ekiraga okukula kw'omukkiriza oba okw'ekkinisa kwe kwagalana kwe tuba nakwo ng'ab'oluganda mu Kristo Yesu. Kubanga Katonda kwagala kale buli lwetwennyika mu ye okwagala kwe kulabikira mu ffe nga kugenda eri bannaffe.

**Yokaana 13:35** ***"Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange."***

Kuno twongereko n'okugumiikiriza mu biseera by'okubonaabona ekisangibwa mu lunyiriri olw'okuna (olu 4) era nga bwe kitugambiddwa mu **Abaggalatiya 5:22-23*.***

**2 Peetero 1:5-9** ***"Noolwekyo mufubenga nnyo, okukkiriza kwammwe mukwongereko obulungi, ne ku bulungi mwongereko okutegeera, ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya Katonda, ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku booluganda abalala bonna ne ku kufaayo ku***

***booluganda bonna abalala mwongereko okwagalananga. Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, bibafuula ba mugaso era ababala ebibala olw'okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo. Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso era awunaawuna, era yeerabidde bwe yanaazibwako ebibi bye eby'edda."***

Obwo bubonero obwoleka okukula kw'ekibiina kyona mu Mukama waffe Yesu Kristo. Era emirundi mingi ebyo bye tufunye olw'okkiriza Kristo birina okugezesebwa kwe biyisiibwamu olwo ne tulyoka tutuuka ku kuwunzika nti ddala eyo ekkanisa ekuze oba ekyalina omulimo munene okukula.

Vs6-10 Pawulo ategeeza nti olwo abo abaabayigganya balina ekiseera kyabwe Katonda mw'agenda okubakolako ng'ababonereza olw'okuba tebakkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi waabwe kubanga kino yeyali ensibuko y'okuba nti baali bayigganya abakiriza.

**<u>Okubikkulirwa 1:7</u>** ***"Laba, ajjan'ebire era buli liiso lirimulaba, n'abo abaamufumita; n'ebika byonna eby'omu nsi birimukubira ebiwoobe. Weewaawo, Amiina:"***

Waba wakyaliwo ebbanga eri buli mulabe w'abakkiriza okulokolebwa era nga kino tukiraba ku Pawulo eyawandiika ebbaluwa eno naye bwe bagaana okukkiriza Kristo waba tewakyali bulokozi bulala wabula okubonerezebwa emirembe n'emirembe.

Kino kituwa okukwasa abatuyigganya olw'okukkiriza kwafe mu Yesu Kristo eri Katonda ng'okusooka byonna tubasabira okulokoka bafuna okusaasira kwa Katonda. Ate ne bwe baba tebalokose ssi buvunaanyizibwa bwaffe okubakolako oba okuwoolera wabula buli kimu tukirekera Mukama nga tumanyi nti y'alamula mu bwenkanya.

Pawulo agumya abaali bayigganyizibwa n'amazima gano nti olunaku lugenda kutuuka baweebwe ekiwummulo nga Yesu Kristo abanonye.

Kino ekyogerwako kwe kudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo mw'agenda okubonerereza abo bonna abajeemu eri enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo.

Okubonaabona kwabwe kugenda kuba kwa mirembe gyonna era balyawukanyizibwa ne Mukama waffe nga tebaliregа ku ssanyu lya kitiibwa kye wabulu obusungu bwakyo.

Agenda kudda agulumizibwe mu batukuvu be era ekigenda okuyingiza buli omu kubakkiriza mu kitiibwa ky'okugulumizibwa kwa Kristo kwe kukkiriza enjiri.

Olwo ffe ab'oluganda tumanye era tunywere kubanga y'enjiri gye twakkiriza ate era gye tukyakkiriza. Omwo mwe muli obulokozi bwaffe leero n'emirembe gyonna.

Era mu kino ng'abakkiriza bano bwe baalokolebwa olw'ebigambo by'enjiri olw'okubuulira kw'abaweereza naffe tulina omulimo gw'okumanyisa bannaffe abatannaba kukkiriza Yesu Kristo nti mu ye mwe muli obulokozi.

Ekwewuunya kuliba kwa kuba nti byalinga eby'okusaaga naye mwe mwali amaanyi agatulokodde mu kuzikirira.

**Vs11-12 Okusabira abakkiriza**

Basabira abakkiriza Katonda abasaanyize okuyitibwa kwabwe era abawe amaanyi okutuukiriza buli kyebakola nabuli mulimo og'wokukkiriza mu maanyi.

Okusaanira kwonna kwe tulina ku tuweebwa Katonda era tewali kyanjawulo kyetukola okujjako okukkiriza olwo mu kisa kye ye n'alyoka atusaannyiza era n'atuwa n'amaanyi okukola byonna by'ayagala.

Mukama akola okuyita mu ffe olwo erinnya lye ne ligulumizibwa mu ffe ate naffe netufuna ekitiibwa mu ye olw'ekisa kye.

Okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo kutuwa okusooomoozebwa okubaako n'engeri gye tulina okweyisaamu;

- Twetegeke:

<u>**Matayo 24:42-44**</u> ***"Noolwekyo mubeere beetegefu, kubanga olunaku Mukama wammwe lw'aliddirako temulumanyi. Nga ssemaka bw'akuuma amaka ge nga yeekuuma omubbi, n'asigala ng'atunula, n'ataganya mubbi kumuyingirira, nammwe bwe mutyo mweteeketeeke, kubanga Omwana w'omuntu alijjira mu ssaawa gye mutamulowoolezaamu***."

- Tuleme kubaako kyakunenyezebwa

<u>**1 Abasessaloniika 5:23**</u> ***"Katonda ow'emirembe abatukulize ddala, era omwoyo gwammwe gwonna, n'emmeeme yammwe n'omubiri gwammwe, bikuumibwenga nga tebiriiko kya kunenyezebwa okutuusa ku lunaku olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo."***

<u>**Titus 2:11-13**</u> ***"Kubanga ekisa kya Katonda ekireetera abantu bonna obulokozi kirabise, era kituyigiriza tuleke obutatya Katonda, n'okwegomba kw'ensi, tulyoke tube beegendereza, abatuukirivu abatya Katonda nga tuli mu mulembe gwa kaakano; nga tulindirira olunaku lwe tusuubira, n'okulabika kw'ekitiibwa kya Katonda omukulu era Omulokozi waffe Yesu Kristo;"***

- Twekuumire mu bugonvu eri Katonda

<u>**1Timoseewo 6:13-14**</u> ***"Nkukuutira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne mu maaso ga Kristo Yesu eyayatula okwatula okulungi mu maaso ga Pontiyo Piraato, okuumenga ekiragiro nga tekiriiko bbala, wadde eky'okunenyezebwa okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo,"***

Tusabe Mukama atukuze okutuuka nga tulina okukkiriza, okugumiikiriza mu mbeera zonna, okwagalananga ng'ab'oluganda.

Tujjukire nti Yesu Kristo agenda kudda okutwala ekkanisa n'olwekyo tube beetegefu bulijjo, abatalina kya kunenyezebwa ate abeekuumira mu bugonvu eri Katonda.